

## Ebirungi ebiri mu kumira eddagala eriweweeza akawuka ka siriimu ng'abasawo bwe balagira:

- Osigala ng'oli mulamu era nga tolwalalwala.
- Osigala ng'olina amaanyi ng'osobola okukola emirimu gyo.
- Osobola okutegekera ebiseera byo eby'omu maaso.
- Ososobola okuzaala abaana abatalina kawuka ka siriimu.

## Akabi akali mu butamira ddagala liweweeza akawuka ka siriimu ng'abasawo bwe balagira:

- Ojja kulwalalwala n'omubiri gunafuwe
- Akawuka ka siriimu kagumira eddagala ly'okozesa ne liba nga terikyakuyamba
- Tosobola kukola mirimu gyo nga bulijjo
- Obulamu bwo tebujja kweyagala era osobola n'okufa.

# Obulamu?



## BWA KUYAMBAGANA

Nzijukiza omwagalwa wange okumira eddagala lye eriweweeza akawuka ka siriimu


## FAAYO ERI OBULAMU BWO.

MIRA EDDAGALA LYO ERIWEWEEZA AKAWAWUKA KA SIRIIMU BULI LUNAKU.




Obulamu?


# Obulamu?




Bw'oba ku ddagala eriweeza akawuka ka siriimu, jjukiranga okuddayo mu ddwaaliro okufuna eddala liri nga terinaggwaawo.




Kya mutawaana eri obulamu bwo bw'olemererwa okugoberera ebragiro by'omusawo mu kumira eddagala eriweeza siriimu.



Bw'oba ku ddagala, jjukira okurimirira ku budde.



Bw'omira eddagala eriweeza siriimu ng'omusawo bw'alagira kikukuuma ng'oli mulamu bulungi era ng'osobola okukola emirimu gyo gyonna.



Bw'ofuna obuzibu bwonna nga buva ku kumira eddagala eriweeza siriimu, ddayo mu ddwaaliro abasawo bakuyambe.



Bw'oba oli ku ddagala eriweeza akawuka ka siriimu, nyikira okulimira. Tolinda kugwa ku ndiri.

**FAAYO ERI OBULAMU BWO.** MIRA EDDAGALA LYO ERIWEWEEZA AKAWUKA KA SIRIIMU BULI LUNAKU.